# »Okutangira omusujja gw‘embizzi oguyitibwa African Swine Fever«

Kulw‘okubeera omusujja gwa hemorrhagic oguleetebwa akawuka ka virus akenjawulo, omusujja gwa African swine fever (ASF) kirwadde ky‘amutawaana nnyo ekirumba embizzi.

Nga okulunda kw‘embizzi kuva kumaka okutuusiza ddala mukulundira awantu awanene, okubalukawo kw‘ekirwadde kya ASFA kireetera okusazibwaamu kwennyama y‘embizi nelufula, era n‘emiddaala gyaazo era amakolero agafulumya ebiva mu nnyama y‘azo gaggalawo ekiviiramu ebula ly‘emirimu.

## Okulw‘anyisa obulwadde

Engeri ennungi oy‘okulwaanyisaamu okusaasaana kw‘ekirwadde kiviiraddala kuntegeera y‘ekirwadde am‘angu era n‘okujjanjaba kw‘abwo wamu n‘okwanguwa okutangira ekirwadde obulungi okumalawo okusaasaana mukiseera ekitono. Obikozesebwa eby‘amateeka biyina okukolebwa mubwangu nga ekirwadde kibaluseewo.

Mungeri y‘emu, omulimu omukulu ogw‘omulunzi w‘embizzi n‘obumalirivu bwe okutangira kisibwaako nnyo esira era amangu ddala nga omusujja gwa ASF guteeberezebwa, emikisa mitono egibeerawo okusaasaana. Embizzi ezirwadde zigabana omuwendo gw‘obuwuka obuleeta ekirwadde nga obubonero bw‘ekirwadde tebunaba kulabikako era obuzibu bukendeera obubonero nga bulabise era bulangiririrwa okusobola okuziyizibwa okugenda ku ddundiro eddala.

Yawula ekifo ekiteberezebwa okubeeramu omusujja gwa ASF era kino kisinziira kunkola eri ku ddundiro. Abantu abava mubituundu eby‘awuddwa bayina okufuuyirwa. Obujjanjabi bukakasibwa oluvanyuma lw‘okuwaayo ebikeberebwa eri ebifo

ebikebera enddwadde era akanyama kakeberwa kumbizzi ezifa.

Mukw'eyongerayo ebikakasidwa, embizzi zonna endwadde zitte era osuule emirambo gy'azo. Okutta kwembizzi kikolebwa bantu era abalunzi baazo baliyirilwa era n'ekifo nekifuuyirwa eddagala eritta obuwuka mangu ddala era nekirekebwa nga temuli mbizzi okumala ekiseera ekigere. Oluvanyuma zaawo embizzi ebitundu 10% okukakasa nti ekifo kiweddemu akawuka k'omusujja gwa ASF.

Kiriza embizzi zetaaye awatali lukomera era oz'ekebejje okumala ssabiiti 6 era oluvanyuma lwebanga okugwaako, ddamu ogule nga bw'oyagala singa obubonero buba tebulabiseeko. Okw'ewala okuwerebwa kwennyama, tunda embizzi eri amalunddiro agamanyiddwa.

Enkola z'okuziyiza zirema olw'okulwaawo okuzuula obulwadde, okulemererwa okutangira okutambula kw'embizzi okuva mubutayogerezeganya bulungi, ebula ly'ebikozesebwa , abakulembeze okubeera nga tebakozesa kw'agala, okulwiisibwa olw'emitendera,n'ebizibu mubikozesebwa.

Ziyiza enddwadde nga olamba ebifo by'embizzi, somesa abalunzi, teekawo amateeka amakakaliera manyisa aba abakw'atibwaako ensonga era kola enteekateeka y'okulwaanyisa ekirwadde.